# Abawabuzi basabye kkooti esingise Okello ogw'okutta abaana e Ggaba

Bya BENJAMIN SSEMWANGA NE MARGRET ZALWANGO

ABAWABUZI ba kkooti basingisizza Christopher Okello ogw'okutta abaana e Ggaba ne basaba omulamuzi amuwe ekibonerezo ekikakali.

Mu misango gya nnaggomola, kkooti eronda ababuzi 3 okuyambako mu kuwulira omusango era mu gwa Christopher Okello kkooti yalonda John Musana, Maria Teopista Kyobijja ne Recheal Ainomugisha okuyambako omulamuzi Alice Komuhangi Khaukha.

Ensala ya bano terina bw'ekyusa ya mulamuzi kyokka wa ddembe ogyesigamako mu kusengejja obujulizi bw'enjuyi zombi. Abawabuzi bano baategezezza nti okusinziira ku bujulizi bw'oludda oluwaabi baakakasizza nti waaliwo ettemu nga beesigama ku bujulizi bwa dokita Abdul Katongole eyeekebejja emirambo.

Baazudde ng'abaana battibwa n'ettima nga beesigamye ku butambi obwaleetebwa nga bulaga Okello bwe yajja n'alawuna ekifo we yakola obutemu obwa Phoebe Namutebi ne Annet Adong abalalabirira abaana bano.

Okello okukwatibwa ku kifo awaali ettemu ng'obujulizi bwa Namutebi, Adong ne Eserait bwe baawa mu kkooti nabwo baagambye nti bulagira ddala omuwawaabirwa nti gumusinga.



Okello avunaanibwa. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

Abasatu bano mu nsala yaabwe basizza kimu nti Okello n'abajulizi be baalemeddwa okusaabulula obujulizi bw'oludda oluwaabi bwe bagambye nti mulalu kyokka tebaleese wadde ekiwandiiko okukakasa kye boogerako. Baagambye nti ebikolwa bya Okello nga tannazza musango, mu kuguzza ssaako oluvannyuma lw'okuguzza biraga bulungi nti omutwe mulamu.

Okello avunaanibwa ettemu eryakolebwa ku Ignatius Sseruyange, Ryan Odeke, Keisha Ageneroth ne Gideon Eteku bwe yalumba ekifo awaakumirwa abaana ekya Ggaba Early Childhood Development Centre ng'abasala.